# Engeri gye baazudde omwana eyawambiddwa omukozi w'awaka

Bya STUART YIGA



Abraham Mpirirwe

EKITONGOLE kya Poliisi ekirwanyisa abazza emisango egy'amaanyi nga bayambibwaako amagye, banunudde omwana ow'emyaka omukaaga, eyabadde awambiddwa omukozi w'awaka.

Abraham Mpirirwe Tumwesigye, yazuuliddwa ku eggulo, ku Lwokutaano, ku kyalo, Seeta ekisangibwa mu Divisoni y'e Busukuma mu disitulikiti y'e Wakiso.

Poliisi egamba nti, Mucunguzi yabadde atandise okupeeka bazadde b'omwana ssente obukadde butaano, kyokka oluvannyuma n'azongeza okutuuka ku bukadde 10.

Bwe yalabye tebazimusindikira, n'abacoomera obutamumalira budde, ng'agamba nti entono bwe ziba zibabuze ajja kubasabira ddala lumu obukadde 50, ate bazinoonye mu bwangu bwe baba tebaagala kuloza ku bukambwe bwe.

Flying Squad n'amagye baasoose kukwata nnyina wa Mucunguzi, mwannyina, wamu n'eyamuyunga ku mulimu gye yabbye omwana.

Wabula kino tekyayambye nnyo okutuusa lwe baakutte omuvubuka ayitibwa Innocent Twizukye, oluvannyuma lw'okukizuula nti ye yali yasemba okwogera ne Mucunguzi.

Ono baamukwatidde Bombo mu disitulikiti ye Luweero.

Okukwatibwa kwa Twizukye kwe kwayambye bambega okumanya Mucunguzi ekifo mwe yabadde yeekukumye wakati mu kulondoola essimu ye.

Ebyembi, tebaasobodde kumukwata wabula ne bazuula ppikipiki kwe yatambuliza omwana ng'agisudde e Busukuma.

Kino kyayongedde okuwa abakuumaddembe essuubi ly'okuzuula omwana n'omukozi, ne basalako ekifo kyonna okumala ennaku eziwera.

Wakati mu kufuuza ekifo, abaserikale baasobodde okuzuula omwana mu kazigo akamu.

Wano baasanzeewo akaseppiki ka muwogo omutokose, era nga kyazuuliddwa nti, gwe babadde balya ekyenkya, ekyemisana n'ekyeggulo.

Kigambibwa nti, Mucunguzi, abadde yakaweebwa omulimu gw'okulabirira awaka, kyokka yabadde tannabandaalawo, n'abba omwana.

Okusinziira ku mwogezi wa Poliisi mu Kampala n'emiriraano,Racheal Kawala, omulimu gw'okuyigga Mucunguzi gukyagenda mu maaso okutuusa nga Mucunguzi bamukutte sikulwa ng'akola ekintu kye kimu ku mwana omulala.

Mpirirwe, kigambibwa yabuzibwaawo ku Lwokutaano lwa wiiki ewedde, nga December, 12, okuva mu maka ga bakadde be ku kyalo Ddungu-Kisaasi, mu Divisoni ye Kawempe.

Kigambibwa nti ono, yabaza bazadde b'omwana okuli Dr. Emmanuel Tumwesigye, nga baliko gye balaze, kwe kubulawo n'omwana.

Bwe yabuuziddwa ekyamutanudde okubulawo naye, n'akinagguka, nti, "totya twagendako out mu vacation."